ENKOZESA YA TEKINOLOGIYA W'EBYA MAWULIRE NE MPULIZIGANYA MUBIZINENSI

TEKINOLOGIYA W'EBYA MAWULIRE NE MPULIZIGANYA KYEKI?

Bye byo ebituyamba okuwereza nokufuna amawulire. Amawulire kyekimu ku bintu ebikulu/ebyobugagga mu kudukanya emirimu gyaffe.

Ebyokulabirako bye byuuma ebikozesebwa mu bya mawulire ne mpuliziganya

Kompyuta, Yintaneti, Ladiyo, Fakisi, Emizindaalo, Essimu, Televisoni, satellite, emirongoti, empapula zamawulire nebirala.

LWAKI TWANDYEYAMBISIZA TEKINOLOGIYA W'EBYE MPULIZIGANYA NAMAWULIRE MU MIRIMU GYAFFE

ESIIMU:

Kyekyuuma ekyempuliziganya ekiwereza amaloboozi nga gayita mulukomo oba ku mirongooti

(a) Etuyamba okwogera ne banaffe abali ewala. Osobola nokufunamu sente nga oguza abantu abalala eddakiika ezokwogererako

(b) Waliwo nekika ekipya kyesiimu ey'omungalo gye bakazako buliwoli nkufuna. Esiimu eyo mungalo eyina enkola eyitibwa SMS (Short Message Services) etuyamba okuwereza obubaka nga obuwandiika ku siimu nobuwereza eri esiimu endala.

Enkola eno etuyamba ekuwereza nokufuna amawulire mangu ddala ku sente entono.

Ekyokulabirako ekisooka:

<u>Ekyokulabirako kye siimu mukuyamba okudukanya bizinensi ezikyali ento</u>:

Osobola okufuna amawulire agakwata ku miwendo nga oyita ku mpuliziganya ya MTN, MANGO ne CELTEL nga owandiika erinya ly'ekyamaguzi (beans, maize, G/nuts) nosindika obubaka ku 198 ku MTN, MANGO, oba ku CELTEL.

<u>Omutunzi we duuka:</u> **Mukyala Namukasa yetaga okugenda okusubula, naye atya okugalawo kubanga ajakufirwa sente wamu nabaguzi, ate aliwo yeka asobola okutunda nekirala ayina obukosefu kumubiri ogateko no buvunanyibwabwe obwawaka nga omukyala.**

Mukyala Namukasa byaganyulwa singa yeyambisiza esiimu

- **Ye wala okuvibwako abaguzi**
- **Abaguzi babera bamativu kuba edduka eberanzigule**
- **Ye wala okutataganyizibwa mumirimugye no buvunanyibwabwe obwawaka nga omukyala**
- **Afuna amawulire amatuufu okuva owoyo amusubuza**
- **Asobola okuleta ebyamaguzi mudduka mubwangu.**

LADIYO:

Kye kimu kubyuuma ebyasooka ebyempuliziganya bye tuludde nga tweyambisa okufuna amawulire agakwaata ku bintu ebyenjawulo gamba nga ebifa munsi.

Ladiyo zino zituyamba nnyo okumanya ebbeyi ye byamaguzi byaffe okusinziiraku butale obuliwo. Tufunako emisono egikwaata ku nnima ey'omulembe ate naffe tusobola okulanga ebyamaguzi byaffe nga tujeyambisa

Ekyokulabirako:

Osobola okuwuliriza pulogulamu ezikwata ku miwendo no butale kumikuttu gya ladiyo ejenjawulo gamba nga:

CBS FM (88.8 lwakubiri saawa mukaga ezomutuntu, olwo mukaga saawa satu nekitundu ezekiro.

Tiger FM, Nabweru (102.5) buli lwakusatu esaawa nnya ezenkya ebatusibwako CEEWA-Uganda

Kiira Fm buli lwamukaga kusaawa musanvu ezomutuntu.

Nile Broadcasting Services buli Sunday saawa mwenda ezolwegulo. Nemikutu emirala

KOMPYUTA:

Kye kyuuma kikalimagezi ekikusobozesa okuwandiika ebigambo awamu n' okukuba ebifananyi ng'okozesa amapeensa agaliko ennukuta (kiboodi) oba akamese (mouse) Kompyuta eyamba nnyo ku byempuliziganya gamba nga mu kuwereza amabaluwa, awamu no kufuna ebyokuyiga okuyita mu mikutu nga yintaneti (Internet).

ENKOZESA YE BYEPULIZIGANYA MU KUKULAKULANYA OBUSUUBUZI BWO'MUBYAALO

- Osobola okugatta emirimu egya waka ne bizinensi. Oluusi abakyala bakalubirizibwa okutambuza bizinensi awamu ne mirimu egya waka. Naye osobola okuddukanya emirimu gyo egya bizinensi nga weyambisa obwangu bwa kompyuuta ate nga n'amakaga gaddukanyizibwa bulungi.
- Enkola eno empya eyanguya ebintu. Ekyokulabirako oyinza okukolagana nabaguzi be bintu nyo nga totambudde lugendo lwonna wazira nga okozeseza kompyuta oba essimu yokka.
- Bwooba ne bintu byotunda, oyinza okwekolera ebipande ebirabika obulungi nga okozesa kompyuta n'obitimba ku kyaalo kyamwe oba n'obiwereza ku yintaneti abaguzi ne basobola okukutuukaako amangu ddala.
- Osobola okugata emirimu a waka ne bizinesi.Okugeza omulunzi we nkoko nga yeyambisa essimu, ayinza okukubira wagula emeere nebagireta. Bizinensi ye nga etambudde ate ngabwali awaka nga akola ebirala.
- Bituyamba okwanguya emirimu. Oyinza okukuba esiimu oba nowereza obubaka ku siimu, okuwereza ebaluwa nga weyambisa omukutu gwa yintaneti ku kompyuuta oba okukubisamu ebipande ne biwandiiko ebirala.
- Omanyiika mangu. Katugeze bwobera nessimu okuba ate nabantu abalala nabo bakukubira, okukozesa ebimpade ebikwata ku bizinensi yo nobitimba mubifo ebikunganyirwamu abantu

Ekyokulabirako:

NABBAGALA POULTRY FARM NABWERU

TUTUNDA ENKOKO ENANSI (LOCAL), AMAGI NO BUKUTA

Tel: 0712777777



- Okozesa sente ntono. Ekyokugeza, okuwereza obubaka, oba okukuba esiimu, Okuwereza ebaluwa nga weyambisa yintaneti kikekereza sente okusinga okuwereza ebaluwa nga weyambisa posita.

YINTANETI (INTERNET) KYEKI?

Gwemukutu ogugatta kompyuuta ezenjawulo era nezisobola okuwuliziganya oba okuwanyisiganya obubaka/ebiwandiiko

Emigaso gya yintaneti mubizinensi yo

1. Yintaneti ekusobozesa okweyambisa ebaluwa yamasanyalaze (e-mail) gyoyinza okweyambisa nga owuliziganya nebano kusente entono

2. Ekusobozesa okufuna amawulire agayamba bizinensi yo nga obutale, emiwendo gye byamaguzi, amagezi agekikugu, obuyambi nebirala bingi.

Ekyokulabirako:

Osobola okufuna emiwendo gy'ebyamaguzi okuva mubutale obwenjawulo nga weyambisa emikutu gamba nga ogwa CEEWA-Uganda ogusangibwa ku www.ceewauganda.org/market.asp

3. Ekusobozesa okulanga ebikwata ku bisinensi yo era notundirako ne byamaguzi (e-commerce)

4. Ekusobozesa okusindika obubaka obuwandiike eri amasiimu gabo bokolagana nabo nga oyita kunkola eyitibwa SMS (Short Message Services).

Ekyokulabirako:

Osobola okuwereza obubaka nga we yambisa omukutu gamba nga:
www.mtn.co.ug
www.open-sms.net
www.trueafrican.com
Ne mikutu emirala

Okumanya ebisingawo tukirira:

CEEWA-Uganda
Kansanga, Kiwafu Road
P.o.Box 9063, Kampala
Tel: 256-41-269477/507
Fax: 256-41-269469
E-mail: info@ceewauganda.org
Website: www.ceewauganda.org